# Endwadde eziva ku buwuka bwa vayiraasi

BIVUDDE KU P14

1 Hepatitis E, nabwo bulwadde obukosa ekibumba nga buva ku mazzi naddala nga gayise mu kamwa okwawukanako ne Hepatitis B.
2 Dr. Joel Wasswa, agamba nti, waliwo n'endwadde endala ezireetebwa obucaafu bw'amazzi omuli, ekiddukano eky'omusaayi nga kino kikwatira ne ku mmere eyafumbiddwa amazzi amacaafu. Obulwadde bw'ekiddukano bugemebwa.
3 Akawuka ka Leptospira : Dr. Wasswa annyonnyola nti, akawuka kano kava ku musulo gw'ebisolo, ssinga binywa ne bifuka mu mazzi oba ku bintu bye tukozesa kisobola okutulwaza.

Dr. Wasswa agamba nti, omusujja gw'omu lubuto gusobola n'okuvaako omuntu okufuna ekituli ku kyenda n'alongoosebwa, ne kigattibwa oba ne kifulumizibwa n'obeera ng'ofulumira wabweru.



Ono asena amazzi ku ttaapu (mu ssaako) eneetera okubikkibwa amazzi agalegamye amacaafu.

## ENDWADDE EZIVA KU BUWUKA BWA VAYIRAASI

Dr. wasswa agamba nti, waliwo endwadde eziva ku kukozesa amazzi amacaafu ezireetebwa obuwuka bwa vayiraasi okuli :

- Hepatitis A ne E, obulwadde bw'ekibumba obuva ku kunywa amazzi amacaafu oba emmere efumbiddwa amazzi agalimu akawuka kano era nga buno buvaako omuntu okulwala ekibumba amaaso ne gafuuka ga kyenvu era nga bw'amala okwonoona ekibumba endwadde endala nazo we ziyitira okukuluma. Wasswa agamba nti, Hepatitis E ayisiza ddala bubi abakyala abali embuto era nga basaanye okumwegendereza kuba akosezaamu n'omwana ali munda.

Buno buleetera omuntu okuwulira omusujja, okusesema, okulumizibwa mu lubuto, n'okuwulira obukoowu bw'omubiri.

- 'Rota virus' nga buno okusinga butawaanya baana, era bugemebwa. Naye nga Dr. Wasswa agamba nti kisangibwa nnyo mu baana abayonsebwa ku nywanto z'amacupa ezitalongoosebwa bulungi.

Yagasseeko nti, abaana bangi abafiira mu mbeera eno olw'okugwaamu amazzi era nga batwalibwa mu ddwaaliro abasawo ne babulwa n'emisuwa we bayinza okubateerako amazzi.

- 'Norwalk Virus' nako kaleetera omuntu okuddukana.
- Ebiwuka (parasites) : Ebiwuka eby'enjawulo ebiva mu mazzi amacaafu bingi okuli; Schistosomiasis ebirwaza Bilharzia, Giadia ebireetera omuntu okufuluma obucaafu obuwunya ekisusse era nga bufaanana bulala, Amoeba ebivaako omuntu okuddukana, n'ebiwuka ebirala bingi.

Omusawo annyonnyola nti, ebiwuka bino bisobola okwezinga mu kifo kimu mu kyenda ne bikola akapiira ne biremesa emmere okuyitawo ekivaako omuntu okulongoosebwa olw'ekyenda okwesiba.

## OBUBONERO KW'OLABIRA OMUNTU ALINA EBIWUKA MU MUBIRI

- Obubonero kw'olabira omuntu alwadde obulwadde obwekuusa ku kibumba kuliko; amaaso n'olususu okufuuka kyenvu, okunafuwa mu mubiri nga buli kaseera owulira obukoowu, okusesema, okubulwa apetayiti n'okulumizibwa mu lubuto.
- Obubonero obwekuusa ku biwuka mu lubuto kuliko; okuddukana nga by'ofuluma biwunya ekisusse.

Okugwa emmeeme mu baana.
Okufuluma obucaafu nga bulimu ebiwuka.
Okufuuyisa omusulo nga gulimu omusaayi.

## Engeri y'okwewalamu endwadde eziva ku kukozesa amazzi amacaafu

Dr. Wasswa agamba nti, endwadde eziva ku kukozesa amazzi agatali mayonjo nnyangu nnyo okwewala singa abantu bafaayo okukola bino :
1 Okwewala okunywa amazzi agatali mafumbe n'okufumba emmere n'eggya bulungi naddala enva endiirwa.
2 Okwewala okunyweseza abaana ku nywanto kubanga kyangu okusigalamu amazzi agalimu obuwuka, bwekiba tekisobose waakiri okukozesa akakopo ke basobola okulongoosa obulungi.
3 Okugemesa abaana naddala akawuka ka 'Rota Virus' kw'ossa n'okwejjanjaba ebiwuka eby'omu lubuto oluvannyuma lw'akabanga.
4 Okussaawo obutandaalo ebintu kwe byanikibwa ne bikala bulungi oluvannyuma lw'okwozebwa kiyamba okutangira obuwuka obubeera mu mazzi okukwata omuntu.
5 Okutangira abaana okuwugira n'okuzannyira mu mazzi g'ebidiba kubanga mubaamu obuwuka n'obucaafu.
6 Okugemesa ebisolo byonna eby'awaka n'okutangira emmese okubeera mu nju n'obutabiganya kuliira ku bintu bikozesebwa awaka oba omusulo n'amalusu gaabyo okugendako.
7 Obutakima mazzi mu bifo bye bimu n'ebisolo mwe binywera, twawule ebisolo we binywera n'abantu we bakima amazzi ge bakozesa.